Akatabo kano kakubiddwa kugasa ba ani?

Akatabo kano kafulumiziddwa okuyamba era n'okuwa amagezi eri omuntu yenna alowooza nti yandiba nga akoseddwa olwokukusibwa mu Bungereza

Omuntu okukusibwa kye kki?

Okukusa muntu munno musango gwa naggomola. Omuntu asobola okubeera nga yakukusibwa singa ayingizibwa (oba okutambuzibwa munda mu ggwanga) mu ggwanga abantu nga bakikola mu ngeri eyokumutiisatiisa,okumutuusaako obulabe oba nokukakibwa okukola emirimu n'ebintu ebirala byonna nga teyeyagalidde.

Bwobeera nga oli mu ku abo abakoseddwa okukusibwa oja kuba nga oyambibwa mu bino:

- Okuyambibwa n'obukumi okuva mu kitongole kya gavumenti eya Bungereza (Ekitongole kino kiyitibwa National Referral Mechanism). Obuyambi bwonna obunakuweebwa bujja kukuweebwa mu kyama.
- Oyinza okuyambibwa singa onasalawo okutegeeza poliisi.

Ekitongole kino ekyebuzibwaako – National Refferal Mechanism, kitekeddwawo okusobola okulaba abo abakosebwa okukusibwa ate nokubawerezanga mu bitongole ebyenjawulo ebisobola okubawa obuyambi.

Omuntu yenna singa anazuulibwa nti yakosebwa okukusibwa asobola okuweebwa omukisa gwokubudabudibwa okumala ennaku nga 45 oba okusingawo. Obuyambi obwekikula kino bugenda kukolebwa ebitongole ebyobwanakyeewa bino wamanga naye nga kijja kusinziira omuntu ono gyabeera:

- The Salvation Army (England ne Wales)
- Tara and Migrant Help (Scotland)
- Migrant Help (Northern Ireland).

Oli eddembe nga omuntu

Oyinza okuba ojudde okutya, oba okulowooza nti oli munafu oba nokulowooza nti oli weka. Naye jukira, obuyambi webuli era nga olina eddeme elyobuntu ate osobola okubaako kyokolawo. Olina olukusa:

- Okufuna okubudabudibwa, okufuna obujanjabi n'okuweebwa obuyambi obwebintu ebikalu. Obuyambi buno busobola okubeera mu kugeza nga:
  - Okukufunira enyumba mwobera mu ngeri eyekiseera
  - Okukuyamba okukufunira obujanjabi
  - Okukufunira omuntu asobola okukukubudabuda n'osobola okuyita mu bizibu bwoyiseemu.
  - Okukufunira omutaputa/omuvunuzi mu lulimi lwo osobole okweyogerako mu Lungereza.
- Obukuumi; Okukusa muntu munno musango gwa kimenyi kya mateeka. Singa otegeeza abobuyinza –poliisi, bateekwa okubaako kyebakolawo.
- Ojja kufuna okulungamizibwa mu mateeka.

Osobola okufunirwa munnamateeka okukuwa ku magezi oba okuyambibwa ekitongole ekiwa amagezi mu bitundu ekya Citizen's Advice Bureau engeri gyoyinza okusaba okuliyirirwa. Bwobeera ofuniddwa omuyambi, ono ajja kukuyamba mu nsonga gyoyinza okuwebwaamu amagezi.

Abatali batuuze ba Bungereza oba abatuuze mu nsi ezomukago gwa bulaaya – European Area Nationals, tebagenda kukakibwa kubafulumya mu Bungereza mu nnaku ezokubudabudibwa. Bwonaaba

olabiddwa nga eyakosebwa okukusibwa oyinza nokuweebwa olukusa olwekiseera okubeera mu Bungereza

Bwoba toil mutuuze wa Bungereza oba omutuuze wa nsi eli mumukago gw'ensi za bulaaya- European Economic Area (oba nga tolina lukusa lwa butuuze mu Bungereza) ojja kuweebwa obuyambi bwewetaaga okudda mu nsi yewamwe, bwekiba nga kisoboka awatali kukuteeka mu kabenje.

Kiki ekinantuukako singa nsalawo okutegeeza aba poliisi ebyo ebyantuukako?

Aba poliisi baja:

- Kwogera naawe obabuulire ebyo ebyakutuukako
- kukuwa obukuumi oleme okukolebwaako bulabe
- kutandika okubuuliriza
- Kukubuulira ebyo ebigenda mu maaso.

Bwoba wetaaga okuweebwa amagezi oba obuyambi, tuukirira ebitongole bino wansi:

England and Wales:

The Salvation Army Human Trafficking Helpline

☎ 0300 3038151

Northern Ireland and Scotland:

Migrant Help

☎ 07766 668781

Scotland:

TARA

☎ 0141 276 7724

Police:

☎ 999

HMG-VHT-DL (09/13) Luganda

HM Government

Obuyambi eri abantu abakulu ababa bakoseddwa okukusibwa

Eddembe ly' omuntu abeera akukusiddwa oba okukozesebwa mu ngeri ey' ekinyunyunsi mu Bungereza.

Bwoba wetaaga okuweebwa amagezi oba obuyambi, tuukirira ebitongole bino wansi:
The Salvation Army Human Trafficking Helpline

0300 303 8151